P360/1
LUGANDA
Paper 1
Nov./Dec. 2024
2½ hours

**UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD**

**Uganda Advanced Certificate of Education**

LUGANDA

**Olupapula Olusooka**
(Amateeka n'enkozesa y'Olulimi, Obuwangwa n'Abawandiisi)

Essaawa bbiri n'ekitundu

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu* **bisatu**; **A, B** ne **C**.

*Ekitundu* **A** *kya* **buwaze**.

*Mu kitundu* **B** *kola nnamba* **2, 3** *ne* **4**. *Oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.*

*Mu kitundu* **C**, *ggyamu ekibuuzo* **kimu** *ng'okironda ku bikuweereddwa.*

*Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa okuddamu, tebijja kugololebwa.*

*© 2024 Uganda National Examinations Board* **Bikkula**

## EKITUNDU A

*Ddamu ebibuuzo byonna ebikuweereddwa mu kitundu kino*:

**1.** (a) Wandiika sentensi ng'okozesa entababigambo ezikuweereddwa wammanga. Buli ntababigambo gikozese omulundi gumu. (*Obubonero 04*)

(i) Kabekasinge.
(ii) Nandiki.
(iii) Sinakindi
(iv) Beppo.

(b) Nyonnyola enjawulo **mukaaga** eziri wakati w'amannya agagwa mu lubu 9:N n'agagwa mu lubu 10:N. (*Obubonero 06*)

(c) Funa ekigambo kimu ekirina amakulu ng'ebyo ebisaziddwako mu sentensi ezikuweereddwa wammanga: (*Obubonero 04*)

(i) Mivule alina <u>ente nnyingi</u>.
(ii) Mutuule awo mu <u>maaso g'ennyumba</u>.

(d) Wandiika sentensi emu ng'erimu nakasigirwa, entabaluganda ne nakasiba. (*Obubonero 02*)

(e) Leeta eby'okulabirako **bisatu** eby'enjawulo ebinyonnyola enkozesa y'obubonero obuwaabi. (*Obubonero 03*)

(f) Laga ebyetaagisa ku linnya **emputtu** nga bw'osabiddwa wammanga: (*Obubonero 03*)

(i) Olubu lw'erinnya.
(ii) Nakasiba.
(iii) Nakasigirwa entabaluganda ekolebwako.

(g) Jjuza mu mweso ogukuweereddwa wammanga. (*Obubonero 06*)

| Ekikolwa | Ekiseera ekyakayita | Akawakatirwa akaddiŋŋana | Embeera eyagaliza |
|---|---|---|---|
| balya | (i) | (iii) | (v) |
| asoma | (ii) | (iv) | (vi) |



CamScanner

(h) Sentensi ezikuweereddwa ddamu oziwandiike mu kyogeza. (*Obubonero 05*)

(i) Taata yagambye nti abaana bonna abeetaaga ku ssabbiiti.
(ii) Bwe twali tusoma, omusomesa yatugamba nti tubeeranga ba mazima.
(iii) Abalwadde baagambye nti tebaddayo mu ddwaliro.
(iv) Mukama waffe yatugamba nti agenda kutuwa omusaala gwaffe.
(v) Nassejje agambye nti abeewuwe bonna balwadde.

(i) Ebigambo ebikuweereddwa wammanga, buli kimu kikozese mu sentensi nga kikoze ng'ekikolwa. (*Obubonero 05*)

(i) Mukovvu.
(ii) Baddugavu.
(iii) Kasiiwuufu.
(iv) Kikozi.
(v) Mukiinyi.

(j) Nyonnyola enjawulo mu nkozesa y'ekigambo "Okuwandiika" mu mboozi zino wammanga: (*Obubonero 02*)

(i) Okuwandiika kuzibu.
(ii) Okuwandiika abaana kuzibu.

**EKITUNDU B**

*Ddamu ebibuuzo* **bisatu** *mu kitundu kino*:

*Kola nnamba* **2, 3** *ne* **4** *ng'ogoberera ebikuweereddwa.*

*Kola* **2**(a) *oba* (b).

**2.** (a) Nyonnyola eby'agendererwanga mu mpisa y'amawemuukirano. (*Obubonero 20*)

(b) Laga omugaso gw'essubi eri Omuganda. (*Obubonero 20*)



CamScanner

*Kola* **3**(a) *ne* (b).

**3.** (a) Ku bisoko bino ebikuweereddwa wammanga, londako **bina** onyonnyole amakulu gaabyo ag'omunda. (*Obubonero 04*)

(i) Okubinuka amasejjere.
(ii) Okusala ekkerejje.
(iii) Okugenda nga Nabbugi si mufungize.
(iv) Okudda mu kulya nga Katonga ajjula.
(v) Okuba ku mbiranye.
(vi) Okukoma ku munaabo.

(b) Ku bisoko ebikuweereddwa wammanga, londako **bisatu** obikozese mu sentensi eziggyayo amakulu gaabyo mu bujjuvu. (*Obubonero 06*)

(i) Okukuba ku matu.
(ii) Okufa ttogge.
(iii) Okufumbya emiyagi.
(iii) Okusanga kiyumba munyale.
(iv) Okusiwa ensaano ku mazzi.

*Ddamu* **4**(a) *ne* (b).

**4.** (a) Ku ngero ezikuweereddwa wammanga, londako **nnya** ozimalirize nga bwe zoogerebwa. (*Obubonero 04*)
(i) ….., kakuyitabya ow'ebbanja.
(ii) Ssekirembwe kitaakule, …..
(iii) Abafugibwa ngabo, …...
(iv) Wakka awunya, …..
(v) ….. y'ekaluba ennyama.
(vi) "Binsanga wano", …..

(b) Ku ngero ezikuweereddwa wammanga, londako **ssatu** onyonnyole amakulu gaazo agoomunda. (*Obubonero 06*)

(i) Omulwadde teyeerabira kusinda.
(ii) Balyegombera ku mugogo.
(iii) Entamu bw'eyatikira omugoyo teyombya.
(iv) Nantakiika nti, "Eby'embuga biriibwa baganzi".
(v) Akuyisa enkya, omuyisa ggulo.



CamScanner

## EKITUNDU C

*Ddamu ekibuuzo* **kimu** *kyokka mu kitundu kino ng'okiggya mu nnamba* **5, 6** *oba* **7.**

*Kola* **5(a)** *oba* **5(b).**

**5.** (a) Obwagazi Masagazi bw'alina eri olulimi lwe Oluganda bweyolese butya mu buweereza bwe? (*Obubonero 20*)

**Oba**

(b) Nga weesigama ku kimu ku bitabo bya Masagazi, nyonnyola ebyo by'atulaga ebivuddeko okukulaakulana kw'olulimi Oluganda. (*Obubonero 20*)

*Kola* **6(a)** *oba* **6(b)**

**6.** (a) Nyonnyola engeri Kalinda gy'akulaakulanyizzaamu olulimi Oluganda. (*Obubonero 20*)

**Oba**

(b) Weesigame ku *Amaka ga Bawansolo* onyonnyole ebyo Kalinda by'afaanana okulabula bannabyabufuzi okwewala. (*Obubonero 20*)

*Kola* **7(a)** *oba* **7(b)**

**7.** (a) Nyonnyola ku biti by'abantu ab'enjawulo n'engeri Ddamba gy'abaluŋŋamya ng'ayita mu mizannyo gy'azannya. (*Obubonero 20*)

**Oba**

(b) Nyonnyola ebintu Ddamba by'awandiikako ebyafuula bajjajjaffe okuba abatuuze abalungi. (*Obubonero 20*)



**BIKOMYE WANO**

CamScanner

P360/2
LUGANDA
Paper 2
Nov./Dec. 2024
3 hours

# UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD

## Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

**Olupapula Olwokubiri**
(Okukyusa, Okuwandiika Emboozi, Okusoma Bwino n'Okufunza)

Essaawa ssatu

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu* **bina**; **A**, **B**, **C** *ne* **D**.

*Ebitundu* **A, C** *ne* **D** *bya* **buwaze**.

*Mu kitundu* **B** *oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.*

*Ddamu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.*

*Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa okuddamu* **tebijja** *kugololebwa.*

*© 2024 Uganda National Examinations Board*

**Bikkula**

CamScanner

## EKITUNDU A

*Ddamu* **1(a)** *ne* **1(b)**

**1.** (a) *Kyusa ekitundu kino okizze mu Lungereza.* (*Obubonero 15*)

Abayizi mu masomero boolekedde okugwa eddalu olw'okumira amakerenda agabayamba obuteebaka nga basoma. Mu kunoonyereza okwakolebwa omukugu ku ndwadde z'obwongo mu ddwaliro ly'e Butabika, kyazuulibwa nti abayizi abasinga okukozesa ebiragala bino bali mu seniya.4 ne 6 nga tebaagala kusumagira nga basoma. Kuno kweyongerako abayizi abali mu by'emizannyo ababa baagala okufuna amaanyi nga bazannya.

Kyazuulibwa nti, abayizi mu masomero beeyongedde okunywa enjaga n'ebiragala ebirala bye banuusa oba okutabula mu by'okunywa. Abamu omuze guno baguyigira ku bannaabwe, abandi bagukoppa ku bantu ab'amannya be balaba mu bibanda bya firimu. Kyazuulwa nti, abayizi 580 mu masomero 651, bakozesa enjaga era baweebwa amagezi okukomya omuze guno.

*Biggyiddwa mu Bukedde.Lwakusooka Mukutulansanja 4 2006;* (*nga kikyusiddwamu katono*).

(b) *Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.* (*Obubonero 15*)

The world malaria report of 2018, indicates that 11 million cases of malaria were recorded in the country. In addition to that, malaria is still the leading cause of death among Ugandans; these account for 19% of the people who die annually. The Ministry of Health says, Malaria is still a public health problem, affecting mostly children below five years and pregnant women. The good news is that; Uganda has made efforts to fight malaria.

Proper nutrition is important for people with malaria because it helps in reducing the complications and is key in the treatment of malaria. The body's ability to fight any disease depends on one's nutrition. Malaria patients are advised to eat foods that boost their blood levels like liver, meat, green vegetables, carbohydrates and plenty of fruits. They also need to take a lot of water due to the increased body temperature.

(*Extracted from New Vision Monday February 25,2019 with minor modifications*)



CamScanner

**EKITUNDU B**

*Kola* **2(a)** *oba* **2(b)**.

**2.** (a) *Ku mitwe egikuweereddwa wammanga, londako* **gumu** *oguwandiikeko emboozi ya bigambo* **350 – 400**. (*Obubonero 30*)

(i) Omukozi w'awaka teyatulekera kantu.
(ii) Obuyambi obuweebwa amawanga g'Africa ag'akyakula tebunnagasa nnyo mawanga mu kwekulaakulanya. Kubaganya ebirowoozo.
(iii) Emigaso gy'okukuuma ebiggya mu Buganda.
(iv) Ekinaakulyako amenvu kisookera mu kususa.

**Oba**

(b) *Ku mitwe egikuweereddwa wammanga, londako* **ebiri** *buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bwolagiddwa.* *(Buli mutwe gwa bubonero 15*)

(i) Weefuule omusomesa ku ssomero lyo, nga waweereddwa obuvunaanyizibwa okunoonyereza ku bizibu abayizi bye basanga olwa kaabuvubuka n'engeri y'okubivvuunukamu. Wandiika alipoota y'okunoonyereza kwo.
(*Kozesa ebigambo* **200**).

(ii) Wandiika Omuko mu mawulire ng'onyonnyola ensi ebintu ebisinze okutusibako obwavu mu ggwanga lyaffe tusobole okubyewala.
(*Kozesa ebigambo nga* **200**)

(iii) Weefuule meeya w'ekibuga onyonnyole minisita w'ebyobulamu abakyalidde ebizibu ebiri mu malwaliro g'omukitundu kyammwe.
(*Kozesa ebigambo nga* **150**)

(iv) Oli omu ku baaliwo ng'abatuuze ababiri batandiikiriza oluyombo era n'oluvannyuma ne balwana, ekyaviirako omu okulumako munne okutu. Wayitiddwa mu kkooti oluvannyuma lw'eyalumwako okutu okukusaba ojje omuweeko obujulizi. Laga obujulizi bwo.
(Kozesa e*bigambo nga* **200**)



**Bikkula**

CamScanner

## EKITUNDU C

3. *Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.*

Obwakabaka bwa Buganda obutafaanaganako na bulala, bussa ekitiibwa mu bakazi. Kabaka bw'aba atuula ku Nnamulondo abeera ne Lubuga we ku lusegere ng'ono ye mukazi amuyamba okukwazza emirimu gy'obwakabaka. Ng'oggyeeko ono waliwo emirimu ntoko mu Lubiri egiweebwa abakazi ab'ebika ebitali bimu. Banno be bakazi ba Kabaka ab'emikolo oba ab'ennono. Mu bano mulimu Nanzigu ow'embogo. Ono abeera mukazi wa Kabaka ow'emikolo era abeera yeddira Mbogo. Omutaka Kayiira Gajuule akulira ekika ky'e Mbogo agamba nti Kabaka bw'aba alya obwakabaka Nanzigu alina okubaawo. Nanzigu ono yatandika ku Ssekabaka Nnakibinge. Kiwanuuzibwa nti Ssekabaka Nnakibinge bwe yali <u>atabaala Abannyolo,</u> yalagiriza mutabani w'oMussesse Wannema eyali ayitibwa Kyobe amuyambeko. Wabula nga tannamuleeta, baakola endagaano ne Wannema nti singa mutabani we Kyobe afiira mu Lutalo olwo, Ssekabaka Nnakibinge yali wa kuliwa omutabani <u>avudde mu ntumbwe ze</u>. Ssekabaka Nnakibinge bw'akomawo okuva e Ssese, n'atuuza bakyala be ne bagaaya mu nsonga eyo. Oluvannyuma yababuuza eyali omwetegefu okuwaayo omwana we nga bonna amatama ntengo. Oluvannyuma Nanzigu eyali <u>yeetisse ettu</u> ebiseera ebyo yeesowolayo naagamba empologoma nti singa aliba azadde omwana omulenzi yali wakumuwaayo ewa Wannema. Nnakibinge <u>bw'ajja omukono mu ngabo</u> yaleka akiraamye nti Nanzigu mukyala muzira era bwatyo aweebwe ekitiibwa eky'enjawulo. Okuva olwo Kabaka yenna bw'aba atuuzibwa ku Nnamulondo, Nanzigu abaako nga Lubuga we era kikafuuwe Kabaka okulya eŋŋoma nga Nanzigu taliiko.

Nanzigu abeera mu Lubiri munda ng'alina ennyumba ye ey'enjawulo mw'asula. Tafumbirwa era taziika muntu yenna wadde okutunula ku njole. Kasita agezaako okusobya akamu ku bulombolombo buno okugeza ng'okufumbirwa bamuggyayo mu Lubiri bukubirire ne bamusikiza omulala anaasobola okutuukiriza. Nanzigu bw'afa taziikibwa ku kika kye wabula aziikibwa mu Lubiri mw'abadde. Nanzigu aliko kati abeera mu Lubiri e Bbanda. Erinnya Nanzigu ab'embogo tebalituuma baana baabwe balala kuba lya kitiibwa kya Lubiri. Mu Lubiri abeeramu ng'alera abaana ba Kabaka oba okukola omulimo omulala gw'onna Kabaka gwamutumye.

Omukyala omulala omukulu ennyo mu Buganda ye Nannono ow'engo. Ekitiibwa kye nakyo kiva ku Ssekabaka Nnakibinge omulwannyammuli bwe yamugamba ng'alwana n'Abanyolo okumusongolera emmuli ze yalwannyisanga ng'amafumu gamuweddeko.

Nakibinge omulwannyammuli bwe yakisiza omukono mu lutalo lw'emmuli, Obuganda ne bukkiriza Nannono agire ng'afuga okutuusa lw'alizaala omwana afuuke Kabaka kubanga Kabaka agenda okufa nga Nannono y'ettise ettu lye. Bw'atyo Nannono n'afuuka omukazi yekka eyali afuze ku Buganda. Wabula eky'akabi, Nannono yazaala gannemeredde

bwebutyo obwakabaka ne buweebwa omulangira omulala. Nannono yasigalira ddala mu mutala Bbumbu Kabaka kwe yali akubye embuga ye era bwe butyo n'ebufuuka obutaka bwe.

Omukyala omulala omukulu ennyo mu Buganda ye Nnakku ow'efumbe. Obutaka bwe buli Gganda mu Busiro. Nnakku omuberyeberye yali muka Kabaka Chwa, Nabakka. Kimera bwe yava e Bunyolo okulya Obuganda, Nnakku ye yamwaniriza era ye yakola olukwe olwatuuza Kimera ku Nnamulondo. Egimu ku mikolo egikolebwa Nnakku, kwe kuba nti yasooka okutema enkumbi mu mbuga okutegeeza Obuganda nti olumbe luwedde okwaba, era Omutanda omuggya atuuziddwa ku Nnamulondo. Nnakku aweebwa Kabaka mu nju eyitiibwa Bujjabukula mu luggya lwa Walusimbi e Bakka era y'atema evvuunike erisooka Kabaka wabeera agenda okuzimba olubiri.

(*Kisimbuddwa mu BUKEDDE KU SANDE owa April 2005*)

**Ebibuuzo:**

(a) Obwakabaka bwa Buganda bussa ekitiibwa mu bakazi. Kino kiragiddwa kitya? Leeta ensonga **mukaaga** era ozinyonnyole. (*Obubonero 06*)

(b) Nyonnyola ebikolwa eby'obuzira bwa mirundi **esatu** ebiragiddwa, mu mboozi eno. (*Obubonero 03*)

(c) Mennya emizizo **ebiri** egy'ekuusa ku kitiibwa kya Nanzigu. (*Obubonero 04*)

(d) Laga engeri **bbiri** enkolagana ya Buganda n'ebitundu ebigyetoolodde gy'eragiddwamu. (*Obubonero 02*)

(e) Ekitundu ky'osomye kiwe omutwe ogukisaana. (*Obubonero 02*)

(f) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe byeyambisiddwa mu kitundu kino: (*Obubonero 03*)

(i) …atabaala Abanyolo…
(ii) ...avudde mu ntumbwe ze.
(iii) ...yeetisse ettu...
(iv) ...bw'ajja omukono mu ngabo...



CamScanner

## EKITUNDU D

**4.** *Funza ekitundu kino mu bigambo* **100.** (*Obuboneero 20*)

### ABAWUMMUZE MUBAWE EBY'OKUKOLA

Abayizi baawummudde era bangi ku bo kati bagenda kutandiika okutaayaaya ku byalo ne mu bibuga ekintu eky'obulabe ennyo mu nsangi zino.

Abaana abasinga mu luwummula obudde bwe bukya abazadde baabwe ne bagenda okukakkalabya emirimu gyabwe nga nabo engoye bazambalira ku mugongo nga nswa nga batandika okukuba ey'abageye. Ng'oggyeeko okuyiga emize omuli okunywa sigala, omwenge, enjaga mulimu okweyigiriza okuganza n'okuganzibwa nga kuno kw'ogatta okukakibwa omukwano oba kuyite okukwatibwa gassedduvutto ate ennaku zino agamala ne gabatta.

Emize egyo gyonna abaana baffe bagiyigira ku bannaabwe eyo gye bakeera okwenjeera buli lunaku olw'obutaba na kyakukola.

Abasajja bangi bakagwe ensonyi baatandise dda okwesunga obwana bwaffe obuwala obwawumudde so nga n'abakyala bangi abafumbo bali ku bwerinde olw'abaana abawala bano abatatya kuganza basajja bafumbo. Abakyala abafumbo beerarikivu nnyo ku baana baffe abawala kubanga kati kyafuuka kya lwatu nti abasajja abafumbo baganza nnyo abaana b'essomero olw'okuba bato ate n'obusimbi bwe basaba bwa munyoto.

Abasajja bano baba n'ebigendererwa bingi abamu baagala okusiiga abaana baffe obulwadde bw'ekikaba nabo basobole okusiiga obulenzi obuto ku masomero gaabwe.

Kino nno kikolwa agasajja ag'ettima agatalina kisa eri muzadde ku ssente ennyingi zityo z'ayonoonera ku mwana. N'obwana bwaffe bwagala nnyo abasajja abafumbo olw'okubulimbisa ssente kati nabo bamanyi nti be balina ku ssente.

Kikwewunyisa nti omwana omu alina essajja lye ekkulu erimuwa ku ssente ate naye y'asendaasenda omulala bwe balinnya mu kimu.

Embeera nga bw'eri ennaku zino buli muzadde kimukakatako okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe okulaba ng'aziyiza emize egyo gye tumenye waggulu okusobola okutaakiriza abaana baffe.

Abazadde mulina okubeera abakambwe eri abaana muleme ku batibuza nga mubakola ekyejo, omwana osuusuuta waaki gw'otagenda kubeera naye lubeerera? Omuzungu agamba nti suula omuggo oyonoone omwana wa Africa. Wadde Omuzungu bw'agamba bw'atyo, naye waliwo engeri nyingi ez'okuyigirizaamu abaana baffe.

Saandyagadde ofuuke Taata oba Maama kagoggo naye omwana mu - buulirire tuula naye, mulage ekituufu mutandikire ku myaka gya wansi ng'okyamusobola bw'onoolinda ebinaddiriria toobyaagale anti akaakyama amamera.

Tuteekwa okunoonyeza abaana baffe eby'okukola bawone ettuulawamu eriyinza okubaleetera okukola bye batandikoze. Omwana mukuze ng'akimanyi nti okw'enjeera kibi era nti omuntu olina okuba n'obuvunaanyizibwa wadde bazadde bo tebaliiwo naye kuuma awaka.

Mu luwummula osobola okubasomesa ebyo bye batasobodde kuyigira ku masomero omuli okuyiga kompyuta, emirimu egy'emikono, okulima n'okulunda, okufumba, okusoma n'okuwandiika.

Musomese olulimi lwe kuno kw'ogatta okumutwala gy'okolera n'amanya ssente gy'oziggya era bwe kiba kisoboka omuyigirize n'omulimu gwo.

Muyigirize nti okunoonya ssente si kunaanya era bw'otakola nnyo ekigulira magala eddiba kifuuwe mu ŋŋombe.

Omwana bw'omulaga nti ssente oziggya mu mannyo ga mpisi kimuyamba okumanya n'atazannyira mu ssente zo.

Bino bwe bitaakolebwe abaana baffe tujja kuba tubasimidde entaana nga twekwasa nga bwe tutalina budde abaana tubafunire obudde obumala mu luwummula.



CamScanner

P360/3
LUGANDA
Paper 3
Nov./Dec. 2024
3 hours

# UGANDA NATIONAL EXAMINATIONS BOARD

## Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

**Olupapula Olwokusatu**
(Litulica mu Luganda)

Essaawa ssatu

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu*; **A**, **B** *ne* **C**.

*Mu kitundu* **A**, *ddamu ekibuuzo* **kimu**.

*Mu kitundu* **B**, *ddamu ekibuuzo kya* **puloozi** *n'ekirala* **kimu** *okuva mu* **bitontome**.

*Mu kitundu* **C**, *ddamu ekibuuzo* **kimu**.

*Ddamu ebibuuzo* **bina**.

*Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa okuddamu,* **tebijja** *kugololebwa.*

*© 2024 Uganda National Examinations Board*

**Bikkula**

CamScanner

## EKITUNDU A

## ENGERO ENJIIYE

*Ddamu ekibuuzo* **kimu** *kyokka mu kitundu kino*

**SEMWANGA KIVUMBI BANTUBALAMU:** *Gw'olulambuza*

1. "Olugero gw'olulambuza lukoze ng'endabirwamu y'obulamu bwa bannayuganda ab'omulembe guno." Nyonnyola obutuufu bw'endowooza eno. (*Obubonero 25*)

2. "... Nze ani gwe baali banoonya okubayamba eyali ekyenyinyalwa! Najjirwa ebikolobero by'omuduume gw'ekkambaata ly'omusajja bye yantuusaako, mmale mpitire ku lugwanyu obutawanikibwa ku kalabba. Katonda wa muwendo ennaku zonna. Nnamuliirawo ekimuli nga bwe simulina nange bwendi omufu omuggya mu bintu ng'ebyo atamanyi nnyo bya kirubaale..."

   (a) Ani ayogera ebigambo ebyo era bisimbuddwa mu ssuula ki? (*Obubonero 03*)

   (b) Ayogera ebigambo ebyo n'aboomu makaage beeyoleka batya ng'abantu abakozi? (*Obubonero 06*)

   (c) Nyonnyola bulungi ebikolobero ebyogerwako mu ssuula omuvudde ebigambo ebyo. (*Obubonero 16*)

3. **NKATA MUSA MUTYABA:** *Agamyuka Omutezi*

Buyisibwomu baali bamulumizza ekivu. Kitawe yaŋaŋalamu ebiri ne lukkiriza ezzirakumwa gye zittira ng'omuddo... guno gwe nzizizza gwali gwa Nnamunkululu ogwa Naggomola gudda ku bbali. Naye ddala gwali musango ki? Ssaali mubbi. Ssaali munnabyabufuzi wadde okukirowoozaako nti nsobola okulya mu nsi yange olukwe. Naye kati nzuuno, nnali njolekedde okutwalibwa mu Mpimeerebera, abangi gye baagendanga; abatono gye basobola okuva nga balamu.

**Ebibuuzo:**

(a) Ebigambo bino biggyiddwa mu ssuula ki? (*Akabonero 01*)

(b) Laga ebintu ebyakulembera Buyisibwomu okulumisibwa ekivu. (*Obubonero 08*)

(c) Nyonnyola ebintu omuntu omuntumulamu by'aggya mu ssuula omuggyiddwa ebigambo ebyo. (*Obubonero 16*)



CamScanner

4. "Okola ki wano ng'obubi bweyolese ku nnyanja ne ku lukalu. Kwata ekkalaamu yo otandike okuwandiika amawulire nga bwe wajjira."

Nyonnyola bulungi n'ebyokulabirako engeri obubi gye bwolesebwa mu lugero, *Agamyuka Omutezi*. (*Obubonero 25*)

## EKITUNDU B

*Kola ekibuuzo nnamba* **5** *n'ekirala kimu okuva mu bitontome.*

## PULOOZI

5. *Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikikwatako.*

Abazadde bangi ensangi zino bakiikira abaana baabwe ensingo nga babalanga obutabayamba mu biseera byabwe eby'obukadde naddala nga bagenda baggwa ku mpagala anti abaatusooka baalugera nti, "olumyu olukula luyonka abaana baalwo". Bakukkuluma nti bo beeresa ebirungi, amasanyu baagasiba ku mpagi ne beesiba bbiri okuweerera abaana baabwe abo. Ye nno bwe kituuka ku kuweerera abaana mu ziyunivaasite, awo kibula omukombi, anti oli bw'aba ayagala aweerere omwana we, naye afune ku ddiguli, obubangufu obwa waggulu, ensimbi eziweebwayo kyenkana zigula mukazi muzungu! Kino kyagala kufaanana abo abeevaamu ne basindika abaana baabwe okusomera mu zi yunivaasite z'ensi eziri emitala w'amayanja. Wano nno munnange bw'otekeemba oyinza obutamalaako.

Kati omwana ng'omala okumuteekamu omusimbi ogwo gwonna, n'afuna omulimu, n'abeera bulungi, ggwe n'obeera n'obwetaavu naye natakuyamba!

Abazadde abamu batondowala n'okutondowala kubanga abaana baabwe gundi ne gundi bali ku kibuga beeyagala n'amaka gaabwe mbu bo nga babalese mu kyalo mu mbeera embi. Bye baba basuubira mu baana baabwe abo oluvannyuma lw'okubaweerera ne babatuusa awo, si bye baba bafunye. Mwattu omwana tomukolimira na kumulemesa bulamu bwe otyo. Sooka ogumiikirize anti abaana abamu wadde balabika nga bakulu naye era baba bakyali baana, ng'ebirowoozo tebinneetaggulula.

Musajja wa Kabaka Sseppiriya Lukambagire ye awo w'osomye waggulu yayita nawo ne tumwewuunya. Oluvannyuma lw'omu ku batabani be Anaatooli Musoke okumaliriza emisomo gye n'afuna omulimu ogwamufunyisanga ensimbi ezeegasa ku kitebe ky'omubaka wa Amerika mu Uganda, naye akabasa we kaava yamala ssekukkulu bbiri nnambirira, kwe kugamba mu ngeri endala, emyaka emirungi ebiri nga tagenze kulaba ku mukadde we!

Lukambagire yasooka kwelumaluma, n'akolima nga abaana bwebamumalako ensimbi ne bamuleka ttaayo, kati wabeetaagira ng'amaanyi gagenda gamuggwa, tabalaba. Abamu bajja naye ye Musoke olw'emirimu gyali gimukoma mu bulago, teyagendanga kulingiza ku kitaawe yadde ne



CamScanner

Ssekkukulu okumuweerezaayo akanyama, ka kasadde, omukulu naye alyeko ku kafumito.

Yamutumya lumu ng'obulwadde bumuluma n'alwawo okutuuka. Munnange agenda okutuuka yasanga omukulu tasalikako musale era yagaana okumulamusa. Yamwatulira nti amulumizza nnyo era bw'atyo amuzaalukuse! Mbu era bw'afanga tatawaananga okulinnya mu maka ge mbu azze okuziika. Abaaliwo bonna kata bagwewo ekigwo! Omukulu nga yali akaaye ng'omususa! Musoke amagezi gaamwesiba ng'ayombera gy'asaka, era ebyaddirira nnyina ng'agezaako okwegayirira omwami addiremu omwanawe, ye yabimubuulira.

Naye nze munnammwe sijja kulowooza bwentyo. Omwana bw'aba tasobodde kukuyamba mu ngeri emu oba endala nga bw'osuubira, ebyo bikwase Liisoddene. Ggwe bonna abaakuyamba okutuuka w'oli wali obasasudde mu bujjuvu, oba osobola okubasasula ekibagwanira?

Abaana nabo bwe batandika okukola ne bafuna amaka gaabwe, baba n'ebizibu byabwe. Baba baagala kwefunira babeezi, baba n'abaana, n'obwetaavu obulala. Kale awo ky'aba asobodde okuleeta, kkiriza mu mwoyo omulungi omuzadde ogende n'ekyo.

**Ebibuuzo**:

(a) Nyonnyola olulimi lwa mirundi **esatu** omuwandiisi lwe yeeyambisizza nga buli kika kya lulimi okireeterako ebyokulabirako bibiri bibiri. (*Obubonero 06*)

(b) Laga engeri ya mulundi gumu, omunyumya gy'akozeemu bino wammanga, ku bazadde ne ku baana. (*Obubonero 06*)

(i) Okuwolereza.
(ii) Okubuulirira.
(iii) Okwekokkola.

(c) Bw'osoma ekiwandiiko kino kirina embeera ez'enjawulo ze kikuteekamu. Leetayo embeera za mirundi **ena** ng'onyonnyola ekikuleetera okubeera mu buli emu ku mbeera ezo. (*Obubonero 08*)

(d) Omunyumya aseetudde atya emboozi ye mu kitundu kino? (*Obubonero 05*)



CS CamScanner

## EBITONTOME

*Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba* **6, 7, 8** *ne* **9**.

**KIZZA MUKASA**: *Omulyammere Kkoyi*

**6.** Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

LWAKI AFUNA ADUULA?

Okuduula kwo kuva ku ki ye mbuuza?
Okuduula kuno kuba kusome busomi?
Okuduula kuno kuyamba ani ŋŋamba?
Okuduula kuno kunyiga kutya abandi?
Okuduula kuno ye kukosa ani abaffe?

Abalyammere bantu abo nga baduula!
Kubanga abo bannaffe balina oba!
Naye sonno buba buwutta bwa mpisa!
Ng'abalala abo bwe bubaduuza!
Kubanga bonna abafunyi si baduuze!

Balyammere munnange nga baduula!
Weesabira za kulya kyaggulo ewuwo,
Ye awoza kimu nnyama ya mbwa ze!
Bw'akulabako ng'ogenzeeko ewuwe,
Awoza nti bunaku bwe bukwenjeeza!

Bw'anyumya yeewaana buli w'ayita,
Teri amwagala oyo mu Balyammere!
Aba ku bya faamu, bidiba mw'awuga,
Birowoozo bya bandi ttoomi lye ggezi!
Ye mugezi w'aba ne bw'aba tasomye!

Batera kuba nkwenge nga tebannajjula,
Ng'ekibu balyayo kimu bo ne beebaka!
Ke bazifunako bwe bati ondabira ejjano!
Beenyumyako nti emmaali zibayitaba!
Baavu ba mpisa nno abo tebagendeka!

Nsaba ontegeere bulungi ku kyendiko,
Buli afuna si y'aduula e Bulyammere,
Buba bukopi, buligo obweraza abamu,
So nga n'ebibeewaanya baasika bisike,
Bwe bitaba nga bye bisike bye bisikire!



Bikkula

CamScanner

Okuduula wonna nga kikolwa kibi ekyo.
Okuduula okwo bambi kusaana kwewala.
Beegendereze wamma abaduuze ba luno.
Naye ate nga mu bonna afuna si y'aduula.
Kuduula oba buba buligo nze ka ŋŋambe!

**Ebibuuzo**:

(a) Nyonnyola emiramwa egiri mu kitontome kino. (*Obubonero 06*)

(b) Laga omugaso gw'okudiŋŋana ebigambo mu kitontome kino. (*Obubonero 04*)

(c) Nyonnyola ebifaananyi ebikosezedwa mu kitontome kino. (*Obubonero 04*)

(d) Nyonnyola olulimi lw'omuwandiisi mu kitontome kino. Leeta ensonga bbiri (Obubonero 04)

(e) Kiki ekifudde ekitontome, "Lwaki afuna aduula?" okubeera ekitontome? (*Obubonero 07*)

**7.** Nyonnyola ensonga ez'enjawulo ezifuula Kizza Mukasa okuba omutontomi omulungi nga Masagazi bw'akyoleka mu nyanjula. (*Obubonero 25*)

**HUGO SSEMATIMBA**: *Abooluganda Ab'Enda Emu*

**8.** Soma ekitontome kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

ENKEESABUDDE

Nakeera nawankya eyo mu kinywambogo
Nga njagala ndabe obudde nga tebunnakya
Neewaliriza oluggi ne ndubandula
Okwessa mu luggya nga nzenna nkukumuka
Empewo eyanfuuwa gye ndifa nnyumya
Ng'ate wabweru wakutte zigizigi!

Kyokka emmunyeenye ya Alufajjiri Nabaliwo
N'endala lukunkumuli ze nali ndabye
Ezeekweka mu bire ate ne zemululayo
Ezitemereza n'obuzimeera obukunkuna
Nalaba obuli okumukumu ng'obutiko obutojjera
N'obulala obunyiikuuli obutono okufa
Mba ndi ku ggulu ne mpulira ebifugula
Emmeeme be TTU!
Be KUTTU!
Kata nsambyeko!



CamScanner

Okwetegereza ekijja nga ye mbwa ya waka!
Ko nze Maguja Malembo lwaki ontiisizza
Maguja nga yeewuunya kiki kye ndiko
Mba nkyasamaaliridde Empanga n'ewaya
Mba neetegereza ekiriwo Enkwale n'etebya
Ne mpulirayo Ettutuma muli ne nguma.

Ne nzibulula amaaso ndabe ebiriwo
Nalaba kupeeruka
N'eggulu okutangaala
Kazzi bwagala kukya!
Ng'olwo eggulu lyebikkula ekikunta ky'otulo
Ng'emmambya esala kaniki w'ekiro.
Ekitangaala ky'enjuba ne kimyula ne kyolesa
Kyabikkuka mpola ne kyeggyayo ne kibuna.

Ebire ebyali byebase nebyambala nebibbuka
Emitwe gye nsozi ne ginekera ne gyeraga
Enjota ezaali zikuba semukiti ne zidduka.
Obusiri obwali bwewaga n'amafumu ne buduma
Obuwundo n'ebinyira ne byekweka ne byekisa
Enkeesabudde ne zibaluka ne zinyumya
Zaatandika mpola oluvannyuma ne zitaba
Nga nange nkukunulayo nkumbi nkwate mu ddimwa.

**Ebibuuzo**:

(a) Nyonnyola engeri omutontomi gy'asiigamu ebifaananyi okutulaga engeri obudde gye bukyamu. (*Obubonero 08*)

(b) Obunyuvu bw'ekitontome kino buvudde ku ki? (*Obubonero 06*)

(c) Leeta embeera za ngeri **satu** ezeeyolekera mu kitontome era buli emu ogiweereko ekikakasa. (*Obubonero 06*)

(d) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa. (*Obubonero 05*)

  (i) ...nzenna nkukumuka
  (ii) ...ng'obutiko obutojjera
  (iii) ...mpulira ebifugula
  (iv) ...Empanga n'ewaya
  (v) ...ekikunta ky'otulo

**9.** Ssematimba akoze omulimu gwa maanyi mu kutulaga litulica omulungi mu bitontome bye. Nyonnyola engeri gy'akozeemu kino. (*Obubonero 25*)



CamScanner

## EKITUNDU C

## EMIZANNYO

*Ddamu ekibuuzo kimu kyokka ng'okiggya mu nnamba* **10, 11, 12** *oba* **13**.

**MERCY MIREMBE NTANGAARE**: *Ssemitego Omuyizzi Kkungwa*

**10.** "...Baabuwe! Oli mutiitiizzi mukwano gwange. Oli muzira, munafu,... ate weefaako wekka." Nga weesigama ku birabikira mu muzannyo *Ssemitego Omuyizzi Kkungwa,* laga engeri ebigambo ebyo gye bituukira ku Ssemitego. (*Obubonero 25*)

**11.** Nyonnyola ku bukodyo omuwandisi bwe yeeyambisa okuwandiika omuzannyo *Ssemitego Omuyizzi Kkungwa.* (*Obubonero 25*)

**WALABYEKI MAGOBA**: *Namulanda*

**12.** "...ogw'okulya gwasuula wammese mu kita. Nange ogw'okufuna tegulinsuula ku migandu? Naye wa? Ekitubeezaawo ku nsi kuno kuwatanya tubeere mu mbeera eyeeyagaza. Buli kakisa akajja kajja lumu. Bwe kakujjira tosumagira, olina okukakwata bbe vuu! N'okazza endyanga, n'osirika ne weeyongerayo mu maaso..."

(a) Ani ayogera ebigambo ebyo? (*Akabonero 01*)

(b) Ebigambo ebyo bisimbuddwa mu kitundu ki mu muzannyo? (*Obubonero 02*)

(c) Omwogezi w'ebigambo ebyo azimbiddwa atya okusobola okufuuka ekyokuyiga eri abasomi b'omuzannyo guno? (*Obubonero 22*)

**13.** Nyonnyola bulungi engeri omuzannyo guno gye gwetoloorera ku by'obuwangwa. (*Obubonero 25*)



**BIKOMYE WANO**

CamScanner